MATHIAS MAZINGA



Ssaabasumba Ssemogerere (akutte omuggo ku ddyo) ng'ali n'abamu ku baana abeetabye mu kusaba kw'okukuza olunaku lwabwe ku Lutikko e Lubaga.

# Ssaabasumba Ssemogerere mwennyamivu olw'abazadde abasuulirira abaana

Bya MATHIAS MAZINGA

EKLEZIA Katolika ekuzizza olunaku lw'abaana abaalangwa obusa. Olunaku luno lubeerawo oluvannyuma lwa Ssekukkulu, era nga lwateekebwawo okujjukira abaana 50 abattibwa Ssekabaka Herod ow'e Judea, ng'alowooza nti, mu bo anattiramu omwana Yezu eyali yaakazaalibwa, gwe yali alowooza nti, yali ajja kumutwalako Obwakabaka bwe. Abaana bano Eklezia ebatwala okuba Abajulizi, kuba battibwa ku lwa Yezu.

Mu Lutikko e Lubaga emikolo gyakulembeddwamu Ssaabasumba Paulo Ssemogerere, eyalaze obwennyamivu olw'abazadde abamu abalagajjalira abaana baabwe ne batabagunjula era ne batabaawo mu bulamu bwabwe obw'omwoyo n'obw'omubiri, ne bakula nga babonaabona, ate emirundi mingi ne bafuukira eggwanga ekizibu. Yanenyezza n'abo abatulugunya n'okutta abaana abatalina musango, be yagambye nti, bakasobeza n'okusinga Ssekabaka Herod.

"Herod yatta abaana 50, naye ate ffe be tutta ku mulembe guno bali eyo mu bukadde na bukadde. Abaana battibwa mu ngeri n'embeera ez'enjawulo, omuli; okuggyamu embuto, obubenje ku nguudo, n'obutabawa bujjanjabi nga balwadde. Tusabira abazadde baagale, bagunjule, era balabirire bulungi abaana baabwe.Tubasabire bafune ssente, batwale abaana bano mu masomero amalungi, era babawe byonna bye beetaaga. Tusabira ne Gavumenti eyongere okulabirira obulungi abaana, n'okubakuuma," Ssemogerere bwe yategeezezza.

Omukolo gwetabiddwako abaana abasukka mu 5,000 era Ssaabasumba yabagabudde ekyemisana.